actionaid
End poverty. Together.

UKaid
from the British people

# ENKULAAKULANA Y'OMUKYALA NGA YEESIGAMYE KU MWAMI WE

*Ekitongole kya Action Aid kivuddeyo okutumbula emirimu gy'abakyala nga bayambibwako abaami baawe. Omukyala tukimanyi nti afuba nnyo okukola buli ekisoboka okuyimirizaawo amaka. Ku luno, Action Aid etunuulidde abo abakyala abakwataganye n'abaami baabwe mu byenkulaakulana. Action Aid nga tujaguza olunaku lw'Abakyala yakuwa omukyala asinze okulondebwa omusimbi ayongere mu bizinensi ye nga eyita mu mikutu gya Bukedde egy'enjawulo; Olupapula, Ttivvi ne Laadiyo. Kati naawe osobola okulonda omukyala gw'owagira. Omudaala*



## Nalukenge Sarah

Abeera Namavuddu - Gayaza agamba nti yasooka mu kusiba nviiri z'abakyala n'aguleka olw'ebizibu byeyagusangamu. Oluusi yakomangawo nga talina wadde ekikumi, ekintu ekyamunakuwazanga ennyo nga talina ky'aliisa bantu be, n'asalawo okutuula eka. Wano weyafunira abazirakisa okuva e Seguku ne bamuwa obukoko. Wadde nga bwali bubi, yaguminkiriza n'abulunda alabe oba bunaamusitula. Mu kiseera kino buvaamu enkoko ennene, era nga kati ayagala ssente asobole okwongera mu bizinensi ye kubanga agyagala nnyo.



## Betty Kabiine

Ono ye Betty Kabiine akuba bbulooka n'omwami we. Agamba nti baatandika nakukuba bbulooka z'ettaka naye bwe baalaba nga teziriimu ssente ne badda ku z'ebbuba kubanga zo zirimu ssente nnyingi okusinga ez'ettaka. Asaba Bannayuganda obululu awangule ssente ayogere mu bizinensi ye.



## Nakato Justine

Mutuuze w'e Nsambya mu Kampala. Alunda enkoko za kuloyira n'obugubi. Agamba nti ayagala obukadde kkumi okwongera mu bizinensi ye n'okugula ekyuma ekippya ekyaluza amagi kubanga kye yalina amasannyalaze gaakyokya nga kati amagi agatwala walala ekintu ekyobuseere, ate nga akatale k'enkoko n'obugubi kali waggulu nnyo naye nga tasobola kukamatiza.



## Nassolo Aidah

Akolera mukatale nga ssabasajja kabaka e Katwe ng'afuba mmere ,agamba nti omulimu gwokufumba agutandiika saawa 11 ezokumakya nga kino kimwaguyidde nnyo nnyo olwokuba ayabibwako omwami we ate nga naye mufumbi wammere afumbira kumpi naye,ayogeddeko nti singa amazaawo emmere ate nga bakasitoma bakyayagala eginona wa mwami we naye nga akyayagala sente eddala okwogera mu bizinesi ye

**Wandiika ekigambo Omudaala, lekawo akabanga, ozzeeko erinnya lye, oweereze ku 8338**